# Bukedde ekwasa leero bannamukisa 35 ettu lya Eid

Bya JAMES MAGALA

BANNAMUKISA 35 abajjuza obukonge mu lupapula lwa Bukedde beewangulidde Ettu lya Idd ate nnamukisa omu waakwewangulira ekyapa ky'ettaka okuva mu kkampuni y'ettaka eya B CLARA.

Akulira olupapula lwa Bukedde Micheal Mukasa Ssebowa, yategeezezza nti, abawanguzi b'Ettu lya Idd baalondeddwa mu bwerufu nga obukonge obubadde bujjuzibwa mu lupapula lwa Bukedde bwe bwalondeddwaamu abawanguzi.

Ssebowa yagambye nti, abawanguzi b'Ettu lya Bukedde 35 baakukwasibwa ettu lyabwe olwaleero (Lwakubiri) ate abalala abawera 20 abaawangula ku Bukedde Fama n'abalala 20 abaawangula ku Bukedde TV nabo baakukwasibwa ebyabwe wano ku kitebe kya kkampuni ya Vision Group mu Industrial Area, mu Kampala.



Siraje Kizito omukozi wa Bukedde ttivvi (ku kkono), Bruce Byaruhanga akulira okutunda amawulire ga Vision Group ne Michael Ssebbowa akulira Bukedde mu kulonda abawanguzi b'ettu lya Idd.

Yagambye nti, mu bawanguzi ate mwe mugenda okuva aneewangulira ekyapa ky'ettaka okuva mu B CLARA n'asaba abaawangudde Ettu lya Idd okukeera ku kitebe kya Vision Group banone ebirabo byabwe omuli ebya ssava n'ebintu ebikozesebwa awaka.

Ye Bruce Byaruhanga, akulira okusaasaanya amawulire g'empapula mu Kkampuni ya Vision Group ng'ali wamu ne Maneja wa Bukedde Fa Ma Ronald Sebutiko baayozaayozezza abawanguzi b'Ettu lya Idd era ne basiima abantu olw'okwekuumira ku mikutu gya Vision Group bulijjo.



Ebimu ku bintu ebigenda okugabibwa.